# Omuwendo gw'abayizi okweyongera kiraze obwetaavu bw'amatendekero

Bya LAWRENCE KIZITO NE SHARON NABASIRYE

ABAYIZI abatuula ebigezo eby'akamaliriro ku mitendera egy'enjawulo mu ggwanga beeyongedde obungi, ekireseewo obwetaavu obwongera ku bungi bw'amatendekero aga waggulu okusobozesa abayizi bano bonna okweyongerayo waggulu.


Bwe yabadde ku mukolo ogw'okufulumya ebyava mu bigezo bya siniya eyoomukaaga omwaka oguwedde, mu maka g'Obwapulezidenti e Nakasero, ssentebe wa UNEB, Polof. Celestino Obua yagambye nti omwaka oguwedde 2025, abayizi abaatuula ebigezo eby'akamalirizo mu P.7, S.4 ne S.6 beeyongera ebitundu 17 ku 100 okuva ku abo abaatuula mu 2024.

Omwaka 2025, abayizi 1,402,434 be bafunye satifikeeti oluvanyuma lw'okukola ebigezo by'akamalirizo, ate mu 2024 baali 1,294,731 ku mitendera gyonna.

Abaatudde siniya eyoomukaaga omwaka oguwedde, baalinnye okuva ku 141,996 okutuuka ku 166,400. Obua yagambye nti olw'omuwendo guno okweyongera, Gavumenti esaana okulwana okulaba ng'amatendekero aga waggulu gamala bulungi okutwala abayizi bano ku mutendera oguddako, eggwanga lireme kubafiirwa.



Namujju Shanirah owa Seeta High yafunye 4AAA4 mu HED-ICT



Bomboka Musa owa Kasawo SS Kigayaza yafunye 17 mu BCM

Yalaze nga abayizi abasoma amasomo agakwata ku mbeera z'abantu, bakyali bangi ku bannaabwe aba ssaayansi, n'alaga obwetaavu obw'okwongera amaanyi mu kuteekawo ebiyamba abayizi ba ssaayansi okusoma obulungi nga okwongera ku muwendo gw'abasomesa ba ssaayansi.

Abayizi abawala bakyagenda maaso n'okuleebya abalenzi, era Obua yagambye nti baafunye obubonero obulungi ddala, mu masomo g'embeera z'abantu.

Okubba ebigezo nakwo kukendedde mu mwaka oguwedde, nga kino Obua yakitadde ku maanyi ge bataddemu mu kukuuma ebigezo, n'okumanyisa abayizi n'abakulira amasomero ku kabaate akali mu kubba ebigezo.

Abayizi abataayise bulungi yabakubirizza okulemerako, kubanga mu byenjigiriza omuntu alemerako kyangu okutuuka ku buwanguzi.